**S.3 LUGANDA PAPER ONE**

**OKUWANDIIKA EMBOOZI**

**EBITUNDU BY'EMBOOZI**

Emboozi ebeera n'ebitundu ebikulu bina era bye bino;

1. **OMUTWE (TITLE)**

Omutwe guteekwa kuwandiikibwa mu nnukuta nnene era ne guteekebwako omusitale (Underlining) kubanga gwe gusikiriza omusomi okusoma emboozi yo.

Oluusi omutwe gukuweebwa ate olulala n'oba nga gwe olina okugwezuulira.

**Okugeza**

Wandiika emboozi ng'osembyayo ebigambo bino.........ηηenda okudda engulu nga ndi muddwaliro.

Emboozi ey'ekika kino olina okugifunira omutwe. Okugeza EMAGOMBE NASIMBAYO KITOOKE, AKABENJE DDEKABUSA.

2. **ENNYANJULA (INTRODUCTION)**

Kino ky'ekitundu ekiggulawo emboozi. Omuwandiisi w'emboozi yenna ateekwa okugiwa ennyanjula ennungi kubanga y'eteekateka omusomi okusoma emboozi.

Mu nnyanjula onyonnyola ku mutwe oba okumenya ku bikulu by'ogenda okwogerako. Omutwe ogukuwereddwa bwe gubeera gwa lugero mu nnyanjula mwe tukusuubira okunyonnyola amakulu g'olugero olwo.

Ennyanjula asana okuba ey'ekigero nga nnyimpimpi ate nga si nnyo era nga esikiriza omusomi, kirungi oteekemu katono ku biri mu kinyusi.

**EZIMU KU NNYANJULA EZIYINZA OKUKOZESEBWA**

(i) **Okugereesa**

Ennyanjula esobola okutandika n'olugero, ebisoko oba enjogera. Okugeza;

Mazima atamuzadde ddala amutika ejinja, luno nno lwatuukidde ku mpalakitale y'omukazi kaggwensonyi Nnakabugo eyayiridde omwana wa muggya we olwejje lw'amazzi…….

**(ii) Okusimbuliza**

Ennyanjula esobola okubaamu okusimbuliza ng'omuwandiisi asooka okweyambisa ebimu ku bigambo ebyayogerwa oluvanyuma nantandika okutunyumiza engeri gye byajjamu. Okugeza;

"Ggwe guno, kati ggwe bagenda kuta naye teguddangayo okubba." Byebyo ebigambo ebyayogerwa omulamuzi ng'asala omusango wakati wa Musoke ne Mukasa.

**(iii) Okuluva ku ntono**

Mu nnyanjula eno omuwandiisi anyonnyola akawonvu nakagga ku ebyo ebyaliwo ekyo ky'agenda okunyumyako kiryoke kibeewo. Okugeza; Omwaka, olunaku, omwezi, enfaanana y'obudde, ebyali bimaze okubaawo. Okugeza;

Mu mwezi gwa Ntenvu ng'ennaku z'omwezi abiri mu mwenda omwaka nkumi bbiri lwe lumu ku nnaku zesigenda kwerabira. Lwali lunaku lwakikome oboolyawo olw'enkuba eyali esuze ng'efuddemba era ng'obudde bunyogovu.

**(iv) Akaddanyuma**

Mu nnyanjula ey'ekika kino omuwandiisi asooka kuleeta ebyo by'agenda okusembayo mu mboozi ye. Ennyanjula y'ekika kino yeyolekera bulungi mu lugero lwa "Pawulo Kirimuttu" olwa C. Kalinda anti asooka kutulaga maziika ga Pawulo ate nalyoka aleeta amazaalibwa ge (essula Ssekamuli kansaze)

**Weetegereze:**

Ennyanjula ez'enjawuo zetulabye zisinga kukola ku mboozi eyokunnyumya.

**(v)** Omuwandiisi era ayinza okweyambisa ennyanjula y'okubuuza ebibuuzo ate nga yeddamu. Okugeza; Ndoota oba ndaba bulungi……

**3. EKINYUSI (BODY)**

Kino ky'ekitundu ekisinga obunene n'obukulu okusinziira ku kika ky'omutwe gw'emboozi era kye kibeeramu ensonga ez'enjawulo.

Mwe mubeera omulamwa gw'emboozi era muno tunyonnyoleramu ebintu bino;

- Ekyaliwo
- Ekiseera lwe kyabeerawo
- Ekifo mwe kyali
- Abantu abakyenyigiramu n'ebirala ebiringa ebyo

Wano obeera olambika bulungi emboozi yo eri omusomi wo.

Ekinyusi kibeeramu ebiba era nga byalayini nnya ne ttaano nga si bimpi ate nga si biwanvu.ensonga enkulu ze zisooka mu biba ebisooks waggulu.

Ebiba bisaana okuba nga bikwatagana bulungi (flow of the story).

4. **OKUWUNZIKA/OKUFUNDIKIRA/OKUBIMBABUMBA (CONCLUSION)**

Kino ky'ekitundu ky'emboozi ekisembayo era ekiwumbawumba ebyo ebiri mu mboozi. Emboozi etewunzikiddwa ereka abasomi baayo mu lusuubo era teba nnyuvu.

Okubumbabumba kuba mu kiba kimu nga si kiwanvu nnyo ate nga si kimpi nnyo.

**Weetegereze:**

- Ebisoko n'engero biteekwa okuwa amakulu amajuvu mu mboozi er engero ziteekwa okugwayo wabula bwe ziba teziweddeeyo wandiika ekitundu olekewo obutonyeze busatu.
- Toyititiriza bisoko na ngero mu mboozi.
- Bwoba okozeseza enjogera ey'omulembe guno okiraga nti "nga enjogera y'omulembe guno bweri…" Era nga tusobola okweyambisa amaloboozi, okugeza; Nnakayogeza nga "okugenda okuwulira nga bonna basirise be cce…"
- Okwogeza ebintu ebitayogera, okugeza; Ngenda okuwulira nga segwanga ezeeno zigamba nti mu nsaka y'enva ezeeri bwe ziddamu nti mwebalinfumba.
- Tweyambisa enaku za wiiki, emyezi, obudde eby'oluganda.
- Omutwe bwe guba gwa lugero olumalayo mu nnyhanjula n'okuwa amakulu galwo naye oyinza okugalekayo ng'obusabuusa.
- Tweyambisa obuyimba n'obutontome obumpi era nga bunnyuma nnyo.
- Omutwe guteekwa okuba nga si muwanvu ekisuse.
- Ennyanjula erina okuba nga esikiriza omusomi ate nga ekwatagana bulungi n'omutwe oguba gukuweereddwa.
- Emboozi eteekebwamu ebiba eby'enjawulo era okozesa ku bisoko n'engero naye bikozese bulungi era webigyirayo amakulu.
- Omuntu ayinza okweyogerera oba nga boogerera mwogerere mu mboozi.
- Omunyumya asobola okunyonnyolaabantu bwe bafaanana
- Okusobola okuwadiika emboozi enjiiye omunyumya asala ekizigo era mu kizigo ekyo otodamu abantu ab'enjawulo, ebintu n'ebitudu eby'enjawulo. Mu bantu abo omunyumya alondamu omuntu omukulu era nga ono ebikolwa ebisinga gwe bisibibwako. Abantu bonna abali mu mboozi balina okubaako kye bakola.
- Wandiika emboozi/ebintu ebikirizika.

**EBIGOBERERWA MU MBOOZI**

Bwe tuba tuwandiika emboozi waliwo ebintu ebikulu bisatu bye tutasaanye kubuusa maaso kubanga biyamba nnyo okufuula emboozi ennyuvu ere ey'omulembe era bye bino;

1. **Empandiika entongole (orthography)**

Omuntu yenna okuwandiika emboozi okubeea ennyuvu ateekeddwa okwegendereza empandiika entongole kubanga empandiika y'oluganda enkyamu ekyusa amakulu g'ebigambo awamu n'obubaka obubeera mu mbooozi.

Mu mpandiika entongole twegereza bino;

- Enkozesa y'obubonero.
- Amateeka agafuga empandiika y'ennukuta ez'enjawulo n'enzimba y'ennyingo.
- Ebigambo ebigattibwa n'ebitagattibwa.
- Enkozesa y'ennukuta ennene.
- Eneeyambisa ya nakasigirwa entuufu.
- Okukozesa obubonero bw'ebiseera obutuufu n'ebirala.

2. **Omusono (style)**

Omusono y'engeri omuwandiisi gya yolesaamu obukugu bwe mu kunyumya era n'okutuusa obubaka bwe eri omusomi.

Mu musono mwetusanga bino;

- Enkozesa y'ebisoko n'engero
- Enjogera ez'enjawulo
- Olilimi olutuukira ku ebyo by'owandiikako
- Obuyimba obw'enjawulo
- Okweyambisa obutontome
- Okuteekamu ebifaananyi eby'enjawulo mu ngeri y'okwefumitiriza.
- Okunyonnyola enkula n'enfaanana y'abantu, okugeza, yalina obumwa nga bulinga obw'ensumbi, ensingo eyebiseera, ennyindo endaalo.
- Okwogeza ebintu ebitayogera, okugeza, okuvumya emmotoka.
- Okuzimba sentensi n'ebiba nga bya kigero.

3. **Ekinyusi (matter)**

Ekinyusi gwe mulamwa gw'emboozi. Omuwandiisi yenna alina okulaba ng'atambulira ku mulamwa ogumweereddwa mu mutwe so si kweyiiyiza bibye bitakwatagana na mutwe gumuweereddwa singa omulamwa gusaba nsonga ez'enjawulo nga bwe guli mu mboozi

eyokukubaganya ebirowoozo, osaanye owandiike ku nsonga eziwerera ddala ng'ozisengeka okusinziira ku bukulu bwazoate nga zinyonnyoddwa bulungi.

**4. Okuweza ebigambo**

Omuyizi awandiika emboozi ateekeddwa okulaba ng'aweza ebigambo ebimusaliddwa na ddala mu mboozi empanvu kubanga nabyo birina obubonero obubiweebwa era bwatabuweza bumusalibwako.

**Weetegereze:**

- Singa bakugamba nti ebitasukka muwendo bwe giti, kitegeeza nti tosaanidde kubiyisaamu.
- So ate obutakka wansi wabigambo/muwendo bwe guti kitegeeza nti ebigambo ebikuweereddwa oteekwa kubisusaamu.
- Ebigambo nga…kitegeeza ebyobiyinza okubulako katono okuwera oba okusukkamu katono.

**EBIFUULA EMBOOZI OKUBA ENNYUVU.**

Waliwo ebintu eby'enjawulo ebifuula emboozi okubeera ennyuvu awamu n'okunyumirwa agisoma era nga bye bino;

- Omutwe ogusikiriza
- Ennyanjula ennungi
- Emboozi okutambulira ku mulamwa
- Okukozesa empandiika entongole entuufu
- Bweba ng'erimu ebisoko, engero, obuyimba okutwalira awamu tuguyita omusono omulungi.
- Omuwandiisi bwaba teyeekuba ndobo, okugeza, omusomesa yatusanga mu bisulo wabula ate olulala n'olaga nti mwali mu bibiina.
- Enkozesa y'olulimi olwekinywi olutuukira ku by'owandiikako, okugeza, singa babadde bayizi nabo balina olulimi lwabwe.
- Okuwandiika ku bintu ebiri mu bulamu obwabulijjo.
- Okufundikira okulungi
- Okuweza ebigambo.

**OMULIMU**

1. Nnantabuulirirwa yasabala bwa bbumba
2. Olunaku lwe najulira okufa
3. Engeri gye tuyinza okuziyizaamuokwonooneka kw'empisa z'abaana ba leero
4. Omuganda n'ekitooke

**EMBOOZI ENYIMPI**

Mu lulimi Oluganda tulinamu emboozi ennyimpi era nga zino zisinga kuzingiramu ebiwandiiko eby'enjawulo nga ebbaluwa, okwogera,eggulire, omuko, ebirango, ekiraamo, n'ebirala bingi.

Emboozi zino ziba n'ebigambo 200 oba 250 ate oluusi n'obutabiweza era y'ensonga lwaki ziyitibwa emboozi ennyimpi.

**OKUWANDIIKA EBBALUWA**

Ebbaluwa y'engeri abantu gye batuusaamu obubaka bwabwe eri abalala nga bayita mu kuwandiika. Empuliziganya eno yeeyambisibwa abantu abasobola okuwandiika n'okusoma.

**EBIKA BY'EBBALUWA**

1. Ez'omukwano oba etali ntongole (friendly letters)
2. Entongole (official letters)

**1. EBBALUWA EZ'OMUKWANO**

Zino z'ebbaluwa zetuwandiikira ab'eηηanda zaffe awamu n'ab'emikwano.

Ebbaluwa zino okwawukanako n'entongole zibeeramu okwetaaya kungi awamu n'okusaaga era omuwandiisi yeeyambisa olulimi nga bwayagala okusinziira ku gw'awandiikira.

**Byetugoberera nga tuwandiika ebbaluwa z'omukwano**

- Endagiriro yo (gwe awandiika) ku mukono ogwa ddyo.
- Ennaku z'omwezi
- Buukawo omusitale
- Okuwa ekitiibwa, okugeza, omwagalwa, owoomukwano Jane, mange, bwetwazirunda,kabiite wange
- Mulamuse/mubuuzeeko
- Mwebaze emirimu
- Mubuuze baali nabo embeera gye balimu
- Mutegeeze embeera gy'olimu
- Wandiika ensonga ekuwandiisiza ebbaluwa
- Fundikira ng'omwadaliza emikisa gya mukama katonda
- Oyinza okumaliriza n'ebigambo bino;
  -Nze nfiirabulago wo
  -Akwagala ennyo
  -Owuwo ddala
  -Nze akufiirako
  Nze muwalawo/mutabaniwo omwagalwa

- Wandiika wansi erinnya lyo mu nnukuta ennene

**Weetegereze.**

- ✓ Faayo ku butuufu bwa sentensi n'enkozesa y'obubonero
- ✓ Empandiika entongole erina okugobererwa
- ✓ Kozesa olulimi olwa bulijjo oba olwangu era oli wa ddembe okukozesa olulimi olw'ekinywi
- ✓ Singa ebbaluwa ebeeramu okuwa ensonga , leetera ddala ensonga eziwera nga buli emu eri mu kiba kyayo ate ng'enyonnyoddwa bulungi.
- ✓ Toteekako mukono (signature)
- ✓ Ennaku z'omwezi ziwandiike bwoti, 04/04/2020 oba 04 Kafumuulampawu 2020 so si 04th April 2020 oba 04th/04/2020

**EBYOKULABIRAKO**

1. Wandiikira taata wo ebbaluwa ng'omutegeeza ku lunaku olw'okuddayo ku ssomero. Era nga omusaba eby'okukozesa.

NAMAGEMBE GORRETI
A.K.P 267,
KAMPALA (U)

04/04/2020

Owoomukwano Taata,

Oli otya ennaku zino obulamu bulungi? Gyebale gy'okola, nage ndi bulungi eno era ssenga ne baganda bange nabo bali bulungi.
Nkuwandiikidde ebbaluwa eno nga njagala kukutegeeza ku lunaku lwe tudddayo kussomero nga 27/04/2020 era nga nsaba onfunireyo ku bintu eby'okukozesa ku ssomero.

Ndabira baganda bange bonna ne maama. Omukama abakuume, mubeere bulungi.

Nze muwala wo
NAMAGEMBE GORRETI

2. Wandiikira muzaddewo ebbaluwa ng'omunyonnyola ku bulungi bw'essomero lyamwe.

UGANDA MARTYRS HIGH SCH.LUBAGA
A.K.P 30074,
KAMPALA.

04/04/2020.

Owoomukwano Maama,

Oli otya ennaku zino obulamu bulungi? Gyebale gy'okola naddala ogw'okulunda enkoko kansuubire mulungi. Baganda bange bali batya ne taata? Nange eno ndi bulungi era n'emisomo mirungi nnyoa. Ensonga empandiisiza ebbaluwa eno kwe kukubuulira ku bulungi bw'essomero lyaffe kubanga lyegombesa okusomeramu.

Okusookera ddala lirina abasomesa abatendeke obulungi ate nga bafaayo ku kye bakola. Batusomesa bulungi era batubuulirira nnyo ku bikwata ku misomo gyaffe kale bambi ne batwagazisa okusoma.

Ng'oggyeeko ekyo bannaddiini awamu n'abasomesa batutendeka nnyo eddiini n'okutuluŋŋamya mu by'omwoyo anti naawe okumanyi nti mukutya katonda amagezi mwegasookera. Okumanya eddiini kuntu kikulu wano, tusaba buli lunaku olwegggulo era buli lwakutaano ne sande tugenda ku kereziya e Lubaga.

Ku ssomero batulabirira bulungi kubanga batuwa emmere ennungi era ey'enjawulo buli lunaku era nga tulinga abali ne bazadde baffe.

Essomero lyaffe lifuba nnyo okutuyigiriza empisa ekituyambye okuggya mu buli kifo we tulaga ate n'okusaamu abalala ekitiibwa.

Ebizimbe ebiri ku ssomero lyaffe birungi nnyoera byamulembe. Tusula burungi era n'ebibiina bigazi bulungi buli omu afuna watuula n'awandiika bulungi nga tewali anyigiriza munne.

Ekirala essomero lino abayizi bayita bulungi ebigezo ebyakamalirizo ku maddaala gombi era ffe twasinga omwaka oguwedde mu Kampala disitulikiti. Olw'obudde obutono kakome wano ebisinga nja kubikulombojjera nga tukomyewo mu luwumula.

Nkwagaliza okubeera obulungi era ndabira baganda bange ne banyinaze ne taata. Omukama abankuumire.

Nze mutabani wo
KAYONDO PATRICK

**EBBALUWA ENTONGOLE**

Zino z'ebbaluwa omuntu z'awandiika ng'alina ensonga enkulu gy'ayagala okutuusa eri omuntu oba ekitongole.

Ebbaluwa zino tezibeeramu kubalaata kwonna wadde okusaaga era tulinamu zino;

- Esaba omulimu
- Eyokwetonda (apology)
- Esaba obuyambi
- Eyeemulugunya
- Eziwabula n'endala

**Ebikulu ebigobererwa mu bbaluwa esaba omulimu**

- Endagiriro y'omuwandiisi ku mukono ogwa ddyo
- Ennaku z'omwezi
- Buukawo olunyiriri
- Endagiriro y'oyo gwowandiikira ku mukono ogwa kkono
- Buukawo olunyiriri owandiike Ssebo/Nnyabo
- Ensonga ekuwandiisiza ebbaluwa ngeri mu nnukuta nnene ate ng'esaziddwako omusittale, okugeza , ENSO: OKUSABA OMULIMU GW'OKUSOMESA.
- Tuukura ku nsonga era tolamusa
- Yogera ebikukwatako okugeza, emyaka gyo, obuyigirize bwo
- Laga obumanyirivu bw'olina mu mulimu ogwo
- Emirimu gy'okozeeko, emyaka mwogikoledde awamu n'ekifo
- Mutegeeze nga bwomuweereza ebbaluwa y'obuyigirize bwo n'olupapaula olulaga ebikukwatako (C.V)
- Laga abakusemba
- Maliriza ng'omulaga nti ojja kuba musanyufu ng'okusaba kwo kuyiseemu
  Fundikira n'obugambo nga; -
  -Nze omuweeereza wo omwesigwa
  -Nze akusaamu ekitiibwa
- Sooka kuwandiika ssayini yo/ekinkumu
- Ssaako erinnya lyo mu nnukuta ennene
- Omulimu bwe guba gwalangiddwa ku mikutu gy'empuliziganya nga mu mpapula z'amawulire kirage bulungi n'omuko (page) kwe gwabadde.

**Weetegereze.**

- ✓ Ebiseera ebisinga ebbaluwa esaba omulimu tesaana kussuka muko (page) era kye kimu ne ku bbaluwa eyeetonda.

- ✓ Waliwo ebbaluwa entongole ezisussa omuko naddala ezo ezisaba okulambika ensonga ez'enjawulo. Kale nno ku bbaluwa ezekika kino osabibwa okuwandiika ensonga wakiri nga munaana ozinyonnyole ate buli emu ogiteeke mu kiba (paragraph) kyayo.

**Weewale**

- ✓ **Okukozesa akagambo P.O BOX wabula Akasanduko Ka Posita (A.K.P)**
- ✓ **Ennaku z'omwezi okuziwandiika bw'oti 05th/04/2020, 05th April 2020 wabula 05/04/2020 oba 05 Kafumuulampawu 2020**

**EBYOKULABIRAKO**

1. Wandiika ebbaluwa ng'osaba omulimu ogwafulumidde mu lupapaula "The New Vision".

NAKAWUKA BAKERY
A.K.P 4325,
KAMPALA (U).

05-04-2020.

ERI OMUKULU WA
NTAKE BAKERY
A.K.P 342,
KAMPALA

Ssebo/Nnyabo,

ENSO: OKUSABA OMULIMU GW'OKUBALA EBITABO
Mu lupapula lwa "The New Vision" olwafuluma nga 29-03-2020omuko 6 mwalanga omulimu ogwo waggulu gwe nsaba n'obuwombeefu gumpeebwe.

Ndi muwala munnayuganda aweza emyaka 25 egy'obukulu. Emisomo gyange nagimalira mu Makerere Business School gye nava nga nfunye ddiguli gye nayitira waggulu. Weetwogerera kati nkolera mu Nakawuka Bakery ng'omubazi w'ebitabo n'olwekyo nkakasa nti singa omulimu gunampeebwa nja kugukolera ddala bulungi.

Ku bbaluwa eno nkwasirizaako ebbaluwa zange eziraga obuyigirize bwange.
Ng'oyagala okumanya ebisingawo wao kubira abantu bano;

1. Mw. Mukasa Andrew
   A.K.P 1009,
   Kampala.
   Essimu. 0754348975
2. Muky. Namusoke Linda
   A.K.P 6572,
   Mukono.
   Essimu 0772398056

Nnasanyuka ng'okusaba kwange kuyiseemu

Nze akusaamu ekitiibwa
……………….. (sayini)
NAKATO BETTY

2. Wandiikira omukulu w'ebyenjigiriza mu Kawempe High School ng'omusaba omulimu gw'okusomesa olulimi Oluganda.

NABUKENYA SOPHIA
A.K.P 3781,
KAMPALA.

05/04/2020.

OMUKULU W'EBYENJIGIRIZA,
KAWEMPE HIGH SCHOOL,
A.K.P 2989
KAMPALA.

SSEBO/NNYABO

ENSO: OKUSABA OMULIMU GW'OBUSOMESA
Nkuwandiikidde ebbaluwa eno nga nkusaba omulimu gw'okusomesa olulimi Oluganda mu ssomero lyo. Ndi muwala munnayuganda nga nina emyaka 26. Nnamaliriza emisomo gyange mu Kyambogo yunivasite 2010 era ne nfuna ddiguli mu busomesa mu masoma g'ebyafaayo (History) ne Luganda.

Nasomesaako mu Kitende Secondary School mu 2011-2016 era omulimu guno nsobolera ddala okugukola. Nkusuubiza nti bwenaaba mpeereddwa omulimu guno njakugukola n'okwewaayo kwonna okusobola okuyisa abayizi wamu n'okutumbula essomero.

Nkuweereza ebbaluwa y'obuyigirize bwange nya njokyemu n'olukalala olulaga ebinkwatako era bano wammanga be basembi bange;

Mw. Lumaama George
Omukulu w'essomero,
Kitende Secondary School,
A.K.P 4532,

Mw. Kaggwa Andrew
Omukulu w'essomero,
Kaboyo High School,
A.K.P 987,

Entebe. Masaka.

Nnasanyuka ng'okusaba kwange kuyiseemu.

Nze akusaamu ekitiibwa
…………Omukono gwo
NABULKENYA SOPHIA

**OMULIMU**

1. Wandiikira mukwano gwo ng'omubuulira kungeri gy'ayiza okwewalamu ekirwadde kya kolona vayiraasi "corona virus" ekitigomya abantu ensangi zino.
2. Wandiikira omukulu w'essomero lyo ng'omutegeeza ku bizibu ebiri mu ssomero lyamwe.